# 'Hisense' batongozza ekkaddiyizo lya tekinologiya okubangula abayizi



Nancy Niwamanya (akutte omuzindaalo) ng'annyonnyola engeri tekinologiya gy'akolamu mu byensoma. Ono y'alambuza abantu mu kkaddiyizo lino.

Bya JAMES MAGALA

MU kaweefube w'okutumbula tekinologiya mu Uganda, aba kkampuni ya Hisense bakafulu mu kukola eby'amasannyalaze bataddewo ekkaddiyizo erineeyambisibwa abayizi okubangulwa mu nkozesa ya tekinologiya n'engeri gy'azze akyukamu.

Hisense eyatandikibwawo mu 1969 mu China, kati ebunye amawanga agasoba mu 160. Ekola ttivvi, ffiriigi, ebyuma ebyoza engoye n'ebirala era ezze ekyusa tekinologiya mu kukola ebintu bino.

Mu kuggulawo ekkadiyizo lino erisookedde ddala mu bugwanjuba bwa Africa, aba Hisense baagambye nti, lyakweyambisibwa abayizi okulambula tekinologiya aba Hisense gwe baatandika naye.

Ekkaddiyizo lino lisangibwa ku kitebe kyabwe mu Industrial Area mu Kampala. Bwe yabadde aliggulawo, pulezidenti wa Hisense, Jason Ou, yategeezezza nti, bagenderedde okuyambako minisitule y'ebyenjigiriza mu nsomesa empya okulaba ng'abayizi balaba kw'ebyo bye basoma mu bibiina engeri gye bizze bikolebwamu.

Jason Ou yagambye nti, ekifo kino abayizi baakukirambulanga bafune ekifaananyi ku nkyukakyuka eziriwo mu tekinologiya akozesebwa mu nsi yonna.

Mu nteekateeka eno, aba Hisense beegattiddwaako bamusigansimbi abalala omwabadde n'akulira kkampuni ya Ximing Group, Liu Mingshu eyasiimye Gavumenti olw'enkolagana ennungi ne bamusigansimbi gye yagambye nti evuddemu ebibala. N'agattako nti, nga bayita mu minisitule y'ebyenjigiriza, baagaba entimbe za ttivvi ez'omulembe 50 mu masomero, okutumbula enkozesa ya tekinologiya mu kusoma.

Ate bannabyanjigiriza nga bakulembeddwa Joseph Ssezzibwa, baasiimye aba Hisense olw'okubateekerawo ekkaddiyizo lino ne basaba Gavumenti okwongera ensimbi mu minisitule y'ebyenjigiriza, amasomero gaweebwe ebikozesebwa naddala mu nsomesa ya tekinologiya, Uganda osobole okufulumya abayizi abali ku mutindo ogw'ensi yonna.